# Okuyamba omwana wo kiggala ku by'obulamu bw'obwongo n'ebirowoozo

Deaf Child Worldwide

**Abaana bakiggala batera okuyitta mu mbeera ey'okugwamu esuubi ,okweralikirira n'e birala bingi ebinyigiriza ebirowoozo n'obulamu bwabwe okusinga abaana abawulira.**

**Waliwo ensonga nyingi nnyo ezireeta kino:**

Abaana bakiggala batera okusanga obuzibu bw'okuliziganya n'okutegerebwa ne bwebaba n'abbenyandazabwe. Kino kiyinza okubaletera okweyawulayawula ku balala, ng'anabaana bakiggala abamu bejjusa okubera ba kiggala.

Olw'okuba nga abaana bakiggala emirundi egisinga tebalina busobozi bwebumu kululimi ng'abaana abawulira, abamu bakalubirizibwa okweyogerako n'endowooza zabwe. Kino kiyinza okubaletera okwekyawa kungi n'obusungu.

Ebiseera ebimu omwana kiggala ayeyezebwa oba n'okubeera mu kutya, oba okwawulwayawulwa era nayisibwa mu geri ey'enjawulo kubanga kiggala. Kino kisoboka okubeera mu somero, mukitundukye n'awaka. Kino kiyinza okuletera omwana kiggala okuwulira ng'akutuddwa ku bulamu obwa buligyo.

Mubera y'okweraliikirila nga eya ssenyiga omukambwe (Corona), abaana bakiggala bangi bafuna obwelalikirivu kubanga tebabanyonyolwa kiki ekigenda mumaaso.Enkyukakyuka kubikolebwa, nga tebategezedwa kukigenda mumaaso, kiyinza okuletera okutya n'okweralikirira.

Olwokubanga omwana kiggala atera okuba ng'ali yekka mukitundu ate ne mu n'awaka, bayiinza obutamanya bantu balala abayiise oba abayisiddwa mumbera y'emu nga bbo.

Abaana bakiggala bangi bayiita mu mbeera eringa ng'eno, era biyinza okuleeta ebivamu ebinene mugeri gyebawulira n'okweyisaamu.

# Kiki kyoyinza okukolawo, okuyamba omwana wo Kiggala ku by'obulamu bw'obwongo?

Fuba nnyo omwana wo okutegeera ekyukakyuka ennene zonna ezigendamu maaso, nga ssenyiga omukambwe (corona virus). Bwekiba kyetagisa kukozesa nnyo mutimbagano (internet) obubasobozesa okufuna ebiva musomero oba okuwuliziganya ne mikwano gyabwe, fuba nyo okulaba nga kino tekiretawo bulabe kubwongo bwabwe oba eneyiisa.

Fuba nyo okulaba nga bulikiseera owuliziganya n'omwana wo kiggala-ne bwoba nga tomanyi lulimi lwabubonero. Gezaako kuyiga obubonero obuwera ,kozesa okuteebereza, ebifananyi oba okuwandiika ebintu wansi. Towanika oba okugamba nti "tofaayo" oba "nakubuulira edda"

Yogerako n'omwana wo ku ngeri gyebawuliramu ate bakirize okeyogerako okuwa endowooza zaabwe ne bwebawuliramu. Okuwuliriza omwana wo n'okumugumikiriza, byombi byamugaso nnyo.

Gezaako bulijjo okutegeera omwana wo kiggala ky'agamba. Newankubadde okuwuliziganya kuzibu ,tomwegyako.

Beera bulindala eri obubonero obuyeeya oba obuvuma. Bwoba ne kyewekengedde,yogera n'omwanawo kiggala ku kyona ekiyinza okuba nga kyeralaliikiriza.

Okuzanyamu – Funayo akadde okuzanya omuzanyo ogulabibwako n'omwana .Teweralikirira ku kyakuyiga lulimi oba obubonero bulikadde, ebiseera ebimu nyumirwa okumala obudde mwembi.

Okwetabamu kw'omwana wo kiggala – mu mboozi,mu kuzanya, mu by'awaka , emirimo n'obuvunanyizibwa, mukuyiga ,ne mu bikujjuko by'omumaka okuletera buli omu okuwulira ng'ekitundu mu maka oba ekibiina.

Tokkiriza bwakiggala kuba kyekwaso – Nga bafunye obuyambi obutuufu ,abaana bakiggala basobola okukola ebintu byebimu nga baganda babwe abawulira oba emikwano. Okutegeka ebirubirirwa byebimu ku mwana wo kiggala nga bwewandikoze kwoyo awulira , kibayamba okwongera okwekikririzamu.

Zimba obuvumu bw'omwanawo kiggala n'okwemalirira okuva kumyaka emito nga obawa obuvunanyizibwa n'o kubatendereza olwamanyi gebaba bataddemu n'obuwanguzi bwabwe. Nebwekiba nga ekikoleddwa kitono ng' okwenaaza n'okweyambaza boka oba okukuyamba ku bintu ebitonotono ebikolebwa okwetoolora ewaka.